# ALIPOTA YEBIGENDA MUMASO EYA CAO

Omwezi ogwokusatu 2013

**Okwemulugunya gye kwatandikira**

Agri vie Agribusiness fund ewagirwa IFC Kitavu Kyabwananyini ekirina obuvunanyizibwa obwokusiga ensimbi mu byobulimi ebivamu ensimbi mumakampuni agasangibwa mubukyika kono ne mubuvanjuba bwa Africa . Ezimu ku kampuni Agri-vie mwesize ensimbi , ye New Forests Company (NFC) kampuni yebibira okuva e Bungereza ekola ogwokulabirira nokusimba ebibira mubuvanjuba bwa Africa. Kampuni ekoze emirimu gyayo mu Uganda Okuva 2005 nga edukanya ebibira bya Payini ne kalitunsi mu district ze Mubende, Kiboga, ne Bugiri.
Mu December 2011, ebyalo bina (4) ebyakosebwa Oxfam International, Oxfam Great Britain ne Uganda Land Alliance (Ekibina ekigata ebitongole ebiwanilira edembe munkozesa yetaka) byawayo okwemulugunya eri CAO kulwabantu abali betolode ebibira e Mubende. Okwemulugunya kwalambika abantu okugobwa nokubundabunda mukibira, nga Kigambibwa abantu okugobwa kyakosa abantu nga bagobedwa okuva ku taka, okwonona ebyobugaga byabwe, nokuwalirizibwa okuva ku byobulamu, ebyenjigiriza nemikisa gyobulamu obulungi. Okwemulugunya era kwalambika obuvunanyizibwa obwamanyi obwa IFC munsonga eno.

**CAO kyeyakolawo**

CAO yasanga nga okwemulugunya kusanide okwongera okwekenenya mu January 2012. Ekibinja okuva ewa CAO kyagenda mubyalo ebyakosebwa mu gwokubiri no gwokusatu. Okusisinkana bekikwatako nokusalira awamu amagezi kunsonga ezatekebwa mukwemulugunya
Oluvanyuma lwa CAO okwekenenya , enjuyi zombi olwabakiise be Mubende abakosebwa (abantu abagobwa) ne NFC balaga obwetegefu okwenyigira munteseganya okumalawo obuzibu. Kino kiri ne mu alipoota yokunonyereza kwa CAO (esangibwa nekumukutu gwa CAO ogwa www.cao-ombudsman.org )

**Ensonga wezituse**

Enjuyi zombi zakiriziganya okusobola okusalira awamu amagezi wakati wa batuze ne NFC. Mu 2012 ne 2013 ngayakatandika , omutabaganya wa CAO yakola enkiiko ne njuyi zombi (Abakiise be Mubende , NFC) awamu nabawabuzi babwe (Oxfam, Uganda Land Alliance).

Ebiteeso mu nkiiko zinno twakiriziganya byonna bibe byakyama era tetuja kubisa mulujudde. Omutabaganya era yakubiriza enteseganya ezabuli luda nokukanya wakati wenjuyi zombi era nokuziyamba okutegera obulungi ensonga ezogelwako . Ekibinja ekikola kunteseganya okuva mu office ya CAO kyakola nnyo nenjuyi zonna naddala abakiise babantu abakosebwa okulaba nga balina obusobozi okwetaba muntesaganya zino.

Enjuyi zonna ezenyigidde muntesaganya zino okuli abakise babantu abakosebwa, abawabuzi babwe aba Oxfam, ne NFC balaze okwewayo, obugumikiriza, obuvumu,obutetenkanya, okwesonyiwa nomutima omulungi munteseganya zinno.

Enjuyi zonna zituse kukukiriziganya kunsonga nyiingi era zilambikiddwa mundagano eyakoredwa abakiise mu mwezi gwokusatu 2013, nga ebijjilimu byakusigala ngabyakyama eri enjuyi zombi nabawabuzi babwe. Kati enjuyi zombi zijja kukola kundagano esembayo nga esinzira ku mpagi eziri mundagano eyasoka. Bwetunakola endagano eno, ejakulaga mubujuvu era mubulambulukufu byonna nti biwede ebyali mukwemulugunya okwawerezebwa ewa CAO.Mukukanya, enjuyi zonna zikiriziganyiza mundagano esooka okusawo enkulakulana eyoluberera elubiride okuyamba abantu bonna abakosebwa. Enjuyi zonna zikiriziganyiza okuleka binno wamanga mulujudde.

- NFC ekiriza okuwayo obuyambi obwamanyi eri Cooperative (ekibina kyobwegasi) ekyabantu abakosebwa, okugaziya ensimbi zediza abantu okuva mumilimu gyekola okusobola okuyamba .
- Kubizibu ebikiriziganyizidwako ebiluma ekitundu. NFC era ekiriza okukola nabatuze okuzimba obumu obunayamba abantu bonna mukitundu.
- Abantu abakosebwa bakiliza okusamu ekitibwa edembe lya NFC mumateka nensalo zekibira kya gavumenti , okwesiba obulungi mungeri egoberera amateka era nokusawo enkolagana enungi ne kampuni okuzimba enkolagana eyolubelela.
- Enjuyi zombi zikiliziganyiza okukolela awamu kunsonga ezenjawulo wamu nemirimu nekigendererwa ekyokusawo enkulakulana eyolubelela, okuzimba enkolagana eyamanyi era eyobuwangazi wakati wenjuyi zombi.

Oxfam ewadeyo obuyambi eri abantu abakosebwamunteseganya zinno zonnaezibadde zikubilizibwa.

Endagano eno elaga olugendo olutambudwa wakati wenjuyti zombie ezikiliziganyiza ku mpagi zonna mubujuvu era mukukanya okusembayo kubutakanya ekinalambikibwa mundagano esembayo. Munkola ye milimu gya CAO, endagano wakati wa NFC nabantu be Mubende eja kuba emazeyo emitendera gyonna CAO gyayitamu okumalawo obutakanya. Wabula CAO ajakusigala nga alondola engeri endagano gyetekedwa mu nkola enjuyi zombie. CAO yebaze enjuyi zonnaolwokukolaganila awamu mukugezako okumalawo obutakanya.